

okutuuka bw'atyo nakongojjebwa mu emu ku nkadde ezaaliwo. Omukongozzi Sendikwanawa bwe yebagajja Kabaka yaleka Gavana ng'alinga ali mu malye naye yagoberera ng'ayandayanda okugoberera Kabaka gye baali bamutwala tebalwa kumutwala nga tamusiibudde. Anti ekitiibwa Kabaka kye yatuukiramu kyali kimuyitiriddeko era awamu yalabika ng'ayagala na kuddukamu okusobala okutuuka awali Kabaka.

**OLUGENDO OKUVA E NTEBE OKUTUUKA E KAMPALA**

Kabaka yasitula okuva e Ntebe ku ssaawa ssatu n'eddakiika asatu mu ttaano, ng'akulembeddwa baasi eyalimu ab'amawulire abaava mu nsi yonna okuba abajulizi ku mukolo guno. Wakati wa baasi n'emmotoka ya Ssaabasajja, eyali embikkule, waaliwo pikipiki za police munaana ate emabega wa Kabaka n'agobererwa Rolls Royce nnya omwatambulira abamu ku bagenyi ba Kabaka Abazungu be yajja nabo okuva e London. Okwo kwe kwadda emmotoka endala ezaabalirirwa okuwera nga lukumi (1000) nga ziwerekera Kabaka, naye nnyingi ku zo tezatuuka Mengo kubanga olw'okutambula akasoobo zaggwamu kkulaki (clutch) ne ziremera ku kkubo. Olwava ku kisaawe Ssaabasajja n'atuuka ku kiyitirirwa ekyakolebwa gavumenti ya Uganda era nga kiriko ebigambo bino: ***The Protectorate Government has pleasure to***



***welcome Your Highness back"*** nga kitegeeza nti Gavument ya Uganda yali nsanyufu okwaniriza Saabasajja ng'akomyewo. Okuva awo Kabaka yagendanga awuubira ku bantu be ate emirundi egyasinga obungi ng'ayimirira ku biyitirirwa okulamusa ku bantu be abaali abasanyufu ennyo.

Ekimu ku biyitirirwa, aba kampuni ya Madhvani abaakolanga sukali, baakikozesa bikajjo. Kabaka ng'amaze okukiyitako, abantu baasalawo okweyanza ebikajjo byonna anti baali balakasidde, ekyo ne kiba nga kye kijjul Kabaka kye yasooka okugabula Obuganda amangu nga yakadda mu nsi ye. Abantu tebaalekawo yadde ennyingo y'ekikajjo emu wabula okugamba nti, ***"Kabaka agabudde".*** Olugendo luno olwatwalira Kabaka essaawa ebbiri n'eddakiika ekkumi n'ettaano (2.15) yasooka kuluwummuzaako mu Kanisa e Namirembe okwebaza Omutonzi okumukomyawo emirembe. Bishop Lesley Brown ye yakulembera okwebaza kuno. Oluvannyuma Ssaabasajja ate yaluddamu okulutuusa mu Lubiri e Mengo.



***Kabaka ng'atuuka mu lubiri e Mengo***

Olw'obungi bw'abantu abeeyiwa mu *Kabaaka Anjagala,* n'okuva e Namirembe okutuuka e Mengo, kumpi lutwale ekiseera kye kimu ng'ekyatwalibwa okuva e Ntebe okutuuka e Kampala. Mu kwenyiga kw'abantu abaali mu Kabaka Anjagala, Kabaka yalaba omukyala omu eyali aweese omwana mu mugongo naye ng'abantu bamunyiga baagala kumutta bussi. Kabaka kwe kugolola omukono n'akwata akaana n'akateeka mu mmotoka ye n'agenda nako mu Lubiri. Eyo nnyina waako gye yakasanga okukeddiza. Mmotoka ya Kabaka yeyongera okugenda mu maaso okutuusa naye lwe yagivaamu nga tekyalina gy'eraga olwa nnamungi w'abantu eyali yeyiye mu kkubo lyayo. Bw'atyo Kabaka yatambuza bigere okuyingira olubiri.

Okuva e Ntebe okutuuka e Mengo Ssaabasajja Kabaka yayita mu biyitirirwa 21. Enguudo zonna Kabaka ze yayitamu baazisimba ebitooke okuva ku kisaawe e Ntebe okutuuka ku Wankaaki w'olubiri. Ng'atuuse mu Lubiri eŋŋoma za Mujaguzo n'emibala n'ez'ABaggunju zonna zaasaanuuka amaloboozi gaazo ne gasaanikira ekibuga kyonna Mmengo, Kampala n'emiriraano, abantu ne bakuba nnyo emizira Kabaka n'ayingira mu Twekobe mu kitiibwa ekiyitirivu eky'Obwakabaka. Mu Twekobe teyalwamu n'afuluma okugenda mu Bulange Enkadde. Eyo ate Obuganda bwonna gye bwali bumulinze. Bwe yatuuka mu Bulange n'alinya ku Nnamulondo n'atuula. Awo abantu bonna ne bafukamira wansi ne bamulamusa, era ne baleekanira waggulu nti: ***"Owangaale, Kabaka Muteesa Luwangula."***

Awo Katikkiro, Micheal Kintu, n'asituka n'ayogera ebigambo eby'okwaniriza. Kabaka naye yalabika ng'ajjudde essanyu era n'okujaguza abantu bye baamulaga okuva lwe yava mu nnyonyi e Ntebe okutuuka awo byali tebibangawo. Oluvannyuma Ssaabasajja Kabaka naye yeebaza abantu bonna olw'ebyo bye baakola ku lulwe emyaka egyo 2 gye yamala mu buwaŋŋanganguse, era n'agamba nti engeri abantu gye bamwanirizzaamu emumazeeko n'ebigambo. Ebyo bwe byaggwa n'addayo mu Twekobe. Kabaka yalabika ng'akooye naye emikolo egy'olunaku olwo yali tannagimalayo.



## KABAKA NE BANNAMASOMERO



***Kabaka alambula ab'amasomero e Nakivubo***

Abaana b'amasomero enkumi n'enkumi baali bamulinze nnyo n'amaddu mangi mu kisaawe e Nakivubo, ate nga akawungeezi ako, Abalangira n'abambejja n'abantu ab'ennyumba ye baali bamulinze nnyo okwabya olumbe lw'omumbejja Zalwango. Ng'agenda e Nakivubo okulaba abaana b'amasomero, yava mu Twekobe essaawa 10 ez'olweggulo. Yagendera mu Rolls Royce ng'ali ne Nnabagereka. Abalala abaali naye mu motoka baali Omulangira Kimera ne Capt. Owen. Mu kiseera ekyo waaliwo ekibiina ky'abavubuka abavuzi ba pikipiki ekiyitibwa ***"Ssanyu- likoma - mu - bulamu"***. Bano be beekwata ogw'okukulembera mmotoka ya Ssaabasajja ku mikolo gyonna egy'amadda. Baali baakumuggya Ntebe, naye aba poliisi ne babagaana nti bo be baalina obuvunanyizibwa okulaba nga Kabaka bamutuusa bulungi mu Lubiri e Mmengo. Ku luno ba *Ssanyu – likoma – mu – bulamu* be baakulembera motoka y'Omutanda, nga bambadde ebyambalo ebyeru era nga bataayiddeko n'olukoba olumyufu mu kifuba. Baalabika bulungi

nnyo nga batwala Omutanda n'ekitiibwa kingi. Pikipiki 9 nga zikulembedde Rolls Royce ate endala 8 ne zivaako emabega.

Bwe yava mu Lubiri e Mmengo, Kabaka yagenda butereevu e Lubaga mu Kerezia, ng'agenda okubaawo mu kusaba n'okusiinza okw'okwebaza olw'okudda kwe, mu ngeri yeemu ng'okusaba okwali e Namirembe enkya eyo. Mu Kereziya yasangayo Ssaabepisikopi Cabana, n'abakulu abalala era ne wabaawo okusaba mu bimpimpi. Bwe yava e Lubaga kwe kugenda n'atuuka e Nakivubo. Eyo yasangayo abaana b'amasomero bangi nnyo, nga mulimu n'abayizi ba Makerere College; ekibiina ky'Abavubuka, n'ekya Bakaawonawo. Amos K. Sempa, minisita eyali tannaba kweyanza, ne A.E.N. Lule ow'Ebyamasomero, be baaliwo okuteekateeka omukolo guno.

Ssaabasajja, ng'ali ne Sempa, n'atandika okuyitayita mu nnyiriri z'abaana, buli ssomero na buli kibiina nga bakutte ebendera okuli erinnya ly'essomero lyabwe oba ekibiina kyabwe. Abaana baafukamiranga matiitiiri, ng'abatuuseeko ne bakuba mu ngalo. Bwe yatuuka ku b'e Makerere College (kati Makerere University), ne bafukamira ne bamukubira nnyo mu ngalo. Era baalwawooko ng'ayogera n'abamu ku bo. Bwe kyalabika ng'ennyiriri nnyingi nnyo, Ssaabasajja n'alinnya mu mmotoka n'agenda ng'ayimiridde ne yeetoloola ekisawe kyonna. Bwe yamala amasomero, n'alaba Ekibiina ky'Abavubuka n'ekya Bakaawonawo. Abasajja nga bali mu yunifoomu zaabwe mwe baatabaalira.

Ebyo bwe byaggwa, Ssaabasajja ne Nnabagereka ne balinnya Rolls Royce, pikipiki za ba ***Ssanyu likoma mu Bulamu*** ne zigenda nga zibakubira emigudo, ne zibazzaayo mu Lubiri. Olwo n'enjuba eyali eyase obutasalako olunaku lwonna, ng'eringa nayo gye baawa kaada okubeerawo ku mikolo gyonna egy'olunaku olwo, yali egenda ebulira emabega w'amasozi g'e Ssingo ne Mawokota, ng'eviira empewo empeweevu eziva ku nnyanja Nalubaale zigenda nga ziweweezaweweeza ku bantu emitwaalo n'emitwalo, abaali beeyuna okuddayo mu maka gabwe.



## OLUMBE LWA NNALINNYA ZALWANGO

Ku lunaku olwo olwa October 17, 1955, newakubadde nga Kabaka yalabika nga yali akooye nnyo, naye Abalangira n'Abambejja, ab'ekika kye bonna, baali bamwetaaga mu Masiro e Kasubi okwabya olumbe lwa Nnaalinnya Zalwango. Era naye bw'atyo bwe yakola. Akawungeezi ako yagenda e Kasubi n'ayabya olumbe lwa mwannyina. Mwannyina Omumbejja Victioria Mpologoma ye yasikira Zalwango ku bwa Lubuga w'e Kasubi. Bwe lutyo olunaku olusooka mu nnaku omunaana (8), ebijaguzo by'amadda ze byamala, bwe lwagenda.

## OKUKAKASA ENDAGAANO YA 1955



Olunaku lwaddirira, October 18, Endagaano empya lwe yassibwako emikono. Omukolo guno makuge, gwali mu kigango ekyali kkoleddwa mu nkola ey'Ekiganda nga kiyooyooteddwa bulungi mu ngeri ey'ekitiibwa era esaanira omukolo ogwali gugenda okukolerwamu. Anti ogulinga ogwo gwaliwo emyaka ataano mw'etaano, nga Endagaano ya 1900 ekakasibwa, nga batono nnyo abaali bakyaliwo abaaguliko. Nnaabagereka ye yasooka okutuuka n'atuuzibwa mu kifo kye okumpi

n'Abalangira n'Abambejja. Omutanda yatuuka ku ssaawa 5 ez'enkya ng'ayambadde ra ng'attulukuse mu kkanzu ne Busuuti awamu n'Engule ku mutwe. Yajja atambula mpolampola, mu ngeri ye ey'essimbo n'ekitiibwa ekingi, wamma Obuganda ne bufa essanyu anti bwali tebumulabangako bw'atyo okumala emyaka ebiri.

Nga wayiseewo akaseera mpawekaaga, ne Gavana n'atuuka nga naye anekedde bulungi mu byambalo bye ebitongole eby'Obwagavana. Kabaka yasituka okumusisinkan n'okumwaniriza ne balyoka agenda bombi ku katuuti okutuula. Katikkiro Kintu n'alyoka ayimuka okwanjula abaami n'okwanjula Endagaano eyali egenda okukakasibwa. Oluvannyuma yayita Ssaabasajja ayogere eri Obuganda. Katikkiro ng'amaze okwogera, Kabaka yasituka okwogera eri Obuganda. Kabaka bye yayogera gaali makula mmeereere anti buli muntu ng'amulimu amaddu. Yasookera kw'ebyo ebyaliwo mu nsi ng'ali mu buwaŋŋanguse.

Yeebaza nnyo abantu be olw'obuntubulamu n'obukkakkamu bwe baalaga mu kiseera ekyo era n'agamba nti engeri Abaaganda gye beeyisaamu yabaweesa nnyo ekitiibwa mu maaso g'Abazungu. Era Ssaabasajja yayogera ebigambo bino ng'abyolekezza Nnabagereka:

***"Okumala emyaka gino gye sibaddeewo, abantu bonna abanjagala era n'abaagala Nnamulondo, ku ggwe kwe babadde banyweredde. Nkwebaza olw'obuvumu bw'olaze mu kiseera kino."***

Ate ku Ndagaano empya Ssaabasajja yayogera bwati:
***"Enkola eno empya etaddewo demokulasi akwatagana n'ensi ekula ey'ebiro bino, ate nga kino kye kimu ku ebyo bye mbadde ndafuubanako ku lw'ensi eno. Nga Jjajjange Mwanga II, bwe yassa omukono ku Ndagaano eya 1893, n'eya 1894, era ng'Endagaano ya 1900 bwe yateekebwako emikono mu linnya lya Kitange ne ku lw'Abaami n'abantu ba Buganda, nange bwentyo ŋŋenda okussa omukono ku Ndagaano eno eya 1955 ku lwange, kulw'Abaami n'Abantu bonna aba Buganda."***



**OBWEYAMO**

Nga tannaddamu kukola mirimu gye nga Kabaka, Muteesa yalina okuddamu kuwa obweyamo eri Queen, eri Olukiiko n'eri Abantu ba Buganda mu maaso ga Gavana n'ababaka b'Olukiiko. Ensonga eno, Gavumenti ya Queen yagissaako nnyo essira mu nteeseganya zonna ezaliwo nga tebannakkiriza Kabaka kudda ku Bwakabaka. Bwatyo nga tannateeka mukono gwe ku Ndagaano yasooka kuwa bweyamo buno:
***"Nze Edward Muteesa II, Kabaka wa Buganda, nkakasa nti nnaabeeranga mwesigwa eri Her Majesty Queen Elizabeth II akuuma Buganda, n'eri Abasika be, era nnaafugiranga ddala bulungi Obuganda nga ngoberera amateeka, era nnaakwatanga ebyo ebiri mu Ndagaano ezaakolebwa ne Queen, era n'ebyo ebiri mu ntegeka y'obufuzi eya Buganda n'enfuga ennungi mu Uganda protectorate, era nnaakoleranga abantu ab'engri zonna amazima nga ngoberera endagaano ezoogeddwako n'entegeka y'obufuzi eya Buganda n'empisa z'ensi n'obulombolombo era n'amateeeka ga***



***Kabaka ng'ali ne Governor ayogera eri Obuganda***

n'Abalangira n'Abambejja. Omutanda yatuuka ku ssaawa 5 ez'enkya ng'ayambadde ra ng'attulukuse mu kkanzu ne Busuuti awamu n'Engule ku mutwe. Yajja atambula mpolampola, mu ngeri ye ey'essimbo n'ekitiibwa ekingi, wamma Obuganda ne bufa essanyu anti bwali tebumulabangako bw'atyo okumala emyaka ebiri.

Nga wayiseewo akaseera mpawekaaga, ne Gavana n'atuuka nga naye anekedde bulungi mu byambalo bye ebitongole eby'Obwagavana. Kabaka yasituka okumusisinkan n'okumwaniriza ne balyoka agenda bombi ku katuuti okutuula. Katikkiro Kintu n'alyoka ayimuka okwanjula abaami n'okwanjula Endagaano eyali egenda okukakasibwa. Oluvannyuma yayita Ssaabasajja ayogere eri Obuganda. Katikkiro ng'amaze okwogera, Kabaka yasituka okwogera eri Obuganda. Kabaka bye yayogera gaali makula mmeereere anti buli muntu ng'amulimu amaddu. Yasookera kw'ebyo ebyaliwo mu nsi ng'ali mu buwaŋŋanguse.

Yeebaza nnyo abantu be olw'obuntubulamu n'obukkakkamu bwe baalaga mu kiseera ekyo era n'agamba nti engeri Abaaganda gye beeyisaamu yabaweesa nnyo ekitiibwa mu maaso g'Abazungu. Era Ssaabasajja yayogera ebigambo bino ng'abyolekezza Nnabagereka:

***"Okumala emyaka gino gye sibaddeewo, abantu bonna abanjagala era n'abaagala Nnamulondo, ku ggwe kwe babadde banyweredde. Nkwebaza olw'obuvumu bw'olaze mu kiseera kino."***

Ate ku Ndagaano empya Ssaabasajja yayogera bwati:
***"Enkola eno empya etaddewo demokulasi akwatagana n'ensi ekula ey'ebiro bino, ate nga kino kye kimu ku ebyo bye mbadde ndafuubanako ku lw'ensi eno. Nga Jjajjange Mwanga II, bwe yassa omukono ku Ndagaano eya 1893, n'eya 1894, era ng'Endagaano ya 1900 bwe yateekebwako emikono mu linnya lya Kitange ne ku lw'Abaami n'abantu ba Buganda, nange bwentyo ŋŋenda okussa omukono ku Ndagaano eno eya 1955 ku lwange, kulw'Abaami n'Abantu bonna aba Buganda."***



**OBWEYAMO**

Nga tannaddamu kukola mirimu gye nga Kabaka, Muteesa yalina okuddamu kuwa obweyamo eri Queen, eri Olukiiko n'eri Abantu ba Buganda mu maaso ga Gavana n'ababaka b'Olukiiko. Ensonga eno, Gavumenti ya Queen yagissaako nnyo essira mu nteeseganya zonna ezaliwo nga tebannakkiriza Kabaka kudda ku Bwakabaka. Bwatyo nga tannateeka mukono gwe ku Ndagaano yasooka kuwa bweyamo buno:
***"Nze Edward Muteesa II, Kabaka wa Buganda, nkakasa nti nnaabeeranga mwesigwa eri Her Majesty Queen Elizabeth II akuuma Buganda, n'eri Abasika be, era nnaafugiranga ddala bulungi Obuganda nga ngoberera amateeka, era nnaakwatanga ebyo ebiri mu Ndagaano ezaakolebwa ne Queen, era n'ebyo ebiri mu ntegeka y'obufuzi eya Buganda n'enfuga ennungi mu Uganda protectorate, era nnaakoleranga abantu ab'engri zonna amazima nga ngoberera endagaano ezoogeddwako n'entegeka y'obufuzi eya Buganda n'empisa z'ensi n'obulombolombo era n'amateeeka ga***



*Kabaka ng'ali ne Governor ayogera eri Obuganda*

Obweyamo obwo bwali bukkulu nnyo era bwawandiikibwa ne mu Ntegeka y'obufuzi bwa Buganda eya 1955. Oluvannyuma ebiwandiiko by'Endagaano Empya eya 1955, ne bireetebwa era ne biteekebwako emikono ogwa Sir Andrew Cohen Governor and Commander – in chief of the Uganda protectorate, ku lwa Queen wa Bungereza n'Amatwale gaayo, era nga Queen y'akulira ne Commonwealth. Edward William Fredrick David Walugembe Mutebi Kabaka wa Buganda, n'ateekako ku lwa Kabaka n'abaami era ne ku lw'abantu bonna aba Buganda. Oluvannyuma abajulirwa ab'enjuuyi zombi nabo baateekako emikono ku Ndagaano eyo. Nga giwedde, Kabaka yayongera okwebaza abo bonna abaalwana olutalo lw'okumukomyawo era n'ayogera bw'ati:-
***"Kaakati omulimu ogunjolekedde gwe gw'okukuuma embeera ennungi ey'ensi yange n'okugikuza ng'eri mu ddembe, nga kye tuluubirira kwe kutuuka ku kwefuga kwa Buganda ng'eri mu Uganda eyeefuga yokka. Nneewaddeyo okkuweereza abantu bange. Era obulungi bw'embeera yaabwe tebunvenga mu mwoyo era buli kiseera nnaalowoozanga ku ebyo ebibaleetera okwesiima mu bulamu nga nkitwala bulijjo nga gwe mulimu gwange ddala. Omukisa gwa Katonda Ayinza byonna gubeerenga nammwe ne ku bantu bonna".***

Ng'amaze ne Governor Sir Andrew Cohen naye yasituka okwogera nti omulimu gwe ogusooka kwe kwaniriza His Highness Kabaka Muteesa II n'okumuyozaayoza olw'okudda mu Buganda era ng'abantu abalala bangi bwe baamukulisa mu mwoyo omulungi ddala bonna nga basanyukira wamu n'Abaganda olw'okudda kwe. Ogwokubiri gwe yalina era ng'agukola n'okwenyumiriza gwali gwa kutuusa bubaka bwa Gavumenti ya Queen ng'eyozaayoza nnyo His Higghness n'abantu be okutuuka ku lunakku olwo olukulu, olunajjukirwanga abaana n'abazzukulu. Yayogera ku bagenyi abaava e Bungereza nti ke kabonero akaalagira ddala okufayo kwa Bungereza n'okwagala okumanya ebyo ebiba bifa mu nsi eno.
***"Omukwano gwa Buganda ne Bungereza guyise mu kiseera kizibu, naye mu buzibu obwo muvuddemu obutukuvu n'omukwano ogw'amaanyi mu kiseera eky'akanyolagano. Ssi basajja bokka naye n'aabakazi, nga bakulemberwa Her Highness Nnabagereka. Mu kiseera kino nga tukungula ebibala by'omulimu gwaffe omukakali,***



***nneebaza nnyo bonna abalagaanidde awamu mu kuteekawo enkyukakyuka eno. Endagaano eno Empya, ng'erongoosa era ng'efuuse ekitundu eky'Endagaano ya 1900, ejja kutumbula nnyo Buganda, naddala mu nkolagana wakati wa Gavumenti zombi. Kale nno okuva ku lunaku luno, Endagaano lw'eteekeddwako emikono, tusaana tweweeyo okukola ebintu bisatu:-***

- ***Abazungu n'Abaganda okugeezaako okumanyagana mu buntu, sso ssi ng'ekibiina, kubanga omukwano ogw'engeri eyo musingi omuva ebintu byonna ebirungi.***
- ***Okumanyagana ng'abantu ab'ebika ebibiri ebitafaanaganya mpisa yadde ebyafaayo.***
- ***Okwewayo okukolaganira awamu mu mwoyo omulungi mu byonna nga tulwanyisa obuzibu obunajjangawo.***

***Olwa leero katusanyuke era tujaguze olw'omukwabo gw'Abaganda n'Abangereza, omuvudde ebirungi ebingi. Omukolo guno ogwa leero ke kabonero kaagwo era n'obujulirwa eri ffe ffenna. Era gwe mukwano ogujja okweyongera okuba ogw'omugaso gye bujja. Nga sinnatuula, your Highness, nkwagaliza ebirungi byonna, essanyu, obulamu obulungi n'embeera ennungi olw'amadda go".*** Akawungeezi ako Omutanda yaliwo ku mupiira ogw'empaka ogwategekebwa okumwaniriza, tiimu ya Buganda ng'esamba n'ey'abasambi ba Uganda abaasigalawo. Tiimu zombi zaagwa maliri ku goolo emu ku emu, ekikopo ne kigabanibwa okukikuuma era Kabaka yakikwasa Nafutali Gumba Musoke eyali Captain wa Buganda omukwasi wa goolo.

## KABAKA AKWASA KATIKKIRO DDAMULA

Enkeera nga October 19, 1955 ku lwokusatu, Kabaka Muteesa lwe yagaba omuggo Ddamula. Omukolo guno yagukolera wabweru. Kabaka yafuluma mu Twekobe essaawa ttaano ez'enkya n'aggukira emmanju wa Bulange Enkadde n'ayita munda n'atuuka ku madaala ga Bulange wabweru.Omumbejja Lwantale, Lubuga, ye yajja akutte Ddamula. Ddamula muggo oguweza nga

fuuti ttaano obuwanvu. Baagubajja bulungi nga mwekulungirivu, munyirivu. Waggulu guliko omutwe ogw'ekikomo. Wansi musondowavu era we gukoma mwekulungirivu musongovu. Wakati gulimu ebiba eby'ekikomo.

Michael Kintu yali ayimiridde awo wabweru wa Bulange. Awo Kabaka n'atoola Ddamula n'agumukwasa nga bw'agamba nti:

***"Twala omuggo guno Ddamula, ogende onnamulireko Obuganda".*** Olwamukwasa Ddamula, Katikkiro n'akyuka n'agenda ng'agukutte n'emikono ebiri era ng'agunwezezza. Yatambula ayanguyirira era we yauukira e Butikkiro nga kumpi adduka buddusi. Kabaka naye bwe yamala okukwasa Katikkiro omuggo yaddayo buzzi mu Twekobe. Omuntu bw'alya Obwakatikkiro teyeyanza mu maaso ga Kabaka nga abaami abalala bwe bafukamira ne beyanza era ne bawera. Olumukwasa Ddamula ng'akyuka nga yeyuna kugenda kutereka Ddamula mu kifo ekigumu ennyo ate nga kyekusifu si kulwa ng'omuntu omulala yenna ajja n'amubba n'alya Obwakatikkiro.

Awo abantu bonna kwe kugumbulukuka ne beeyiwa e Butikkiro okuyozayoza Katikkiro omuggya n'okugabulwa. Ekiro ekyo entujjo eyali e Butikkiro terojjeka. Katikkiro yatta ente ssatu ze yagabula abantu kw'olwo. Bw'atyo Michel Kintu n'alya Obwakatikkiro ng'ada mu kifo kya Paul Neil Kavuma e yali awummudde. Kintu yalya Obwakatikkiro mu kiseera kizibu ekyalimu enkyukakyuka ennene ate oluvannyuma alyoke azzibwe ku bukuiu obwo emirundi ebiri. Kintu yali omu ku baami ba Kabaka abaavanga wansi mu bwami obw'eggombolola ne bajja nga bakuzibwa okutuuka ku Bwaminisita. Kintu yamala ebbanga ng'akola nga Assistant Katikkiro. N'olwekyo yalina obumanyirivu bungi mu by'enkola ya gavumenti ya Buganda era yakola nnyo okuteeka enkyukakyuka mu nkola.

## KABAKA AGABA OBWAMI

Enkeera ku Lwokuna, nga 20, October, Kabaka era yalabika mu Bulange n'agabira Baminisita obwami n'Akakiiko akalonda abakozi n'Abaami ba Kabaka, ***Buganda Public Service Commission,*** ne beyanza. Mu Constitution empya, Katikkiro bw'aba alonda abanaalya bwaminisita,



asemba busembi eri Kabaka ng'obuvunaanyizibwa obw'okugaba obwami obwo bwa Kabaka. Baminisita abeyanza kw'olwo baali:

| | |
|---|---|
| • Antonio Gita | Omulamuzi |
| • Bulasio Kavuma | Omuwanika |
| • Kassimu Male | Eby'Enjigiriza |
| • Amosi Sempa | Eby'Obulamu |
| • Daudi Mukubira | Eby'Obulimi n'Obulunzi |

Ab'Akakiiko Akagaba Obwami abeyanza baali:

| | |
|---|---|
| • Omulangira Badiru Kakungulu | Ssentebe |
| • Peter Serumaga | Omukiise |
| • Erisa Nkooyoyo | Omukiise. |



***Kabaka,Omukama wa Tooro, Omulangira Kakungulu nga bali ne Cabinet ya Katikkiro Kintu***

Baminisita bwe baamala okweyanza, Kabaka mu Twekobe teyaddayo. Yatandika butandisi okulambula e kibuga . Abalangira Kakungulu ne Henry Kimera be baamuwerekerako. Bwe yava mu lubiri yayitira ku nnyanja ya Kabaka, naggukira kati awali e Kanisa y'e Katwe. Abantu, olunaku olwo baalumanyirawo ebiyitirirwa ne babiddamu buto. Kw'olwo Kabaka yayita mu biyitirirwa 15. Okuva e Kibuye yayitira n'agguka e

Nsambya gye yayanirizibwa Bishop Billington n'abaana b'amasomero. Okuva awo yasibira Kibuli we yasisisnkana abantu abangi ennyo ab'amawanga agatali gamu: Abanubbi, Abayindi, Abalugwara, Abalulu n'abalala bonna abaamwaniriza mu ssanyu eringi ennyo.

Yadda e Nakivubo, wuuyo Wandegeya. Bwe yatuuka eyo ng'abantu bayitirivu era n'ekiyitirirwa kyabwe kyali kirungi nnyo. Charles Serukeera Omumegganyi omumanyifu ennyo mu Buganda era eyali Omukulembeze wa Bakyayerambuga, ab'eWndegeya gwe baali balonze asome obubaka bwabwe naye tewaali bbanga kubusoma. Ssaabasajja yabutwala n'agenda nabwo. Olwo n'ayolekera Bwayise era gye yasanga abantu abangi ddala. Yakoma Kawempe n'afunyamu okugenda e Nakulabye n'e Nateete era awo olugendo we lwakoma n'addayo mu Lubiri. Olw'eggulo olwo, ng'awummuddemu katono, Ssaabasajja yagenda ku kabaga ka chai ke yagabula abagenyi abaawerera ddala 4000 mu park eyo munda mu lubiri. Omutanda yalabika ng'aboobedde mu kanzu n'ekooti eya kivuvvu era yagendanga ayitayita mu bagenyi be okunyumyamu nabo.

## OLUNAKU LW'ABAKYALA

Ku Lwokutaano nga 21, October lwe lwali olunaku lw'Abakyala bokka okulaba Kaabaka n'okumukulisaayo mu buwaŋŋanguse. Ssaabasajja yajja ne Nnabagereka era ne Gavana yaliwo. Omukyala Pumla Kisosonkole, omu ku bakulembeze, ya yayanjula banne eri Kabaka era ne bamutonera n'ebirabo. Mu bakulembeze abaayanjulwa mwalimu Rebecca Muliira, Kaddumukasa, Deborah Kiwanuka, Manyaŋenda, n'abalala.

Ku Lwomukaaga, 22 October, ebibiina by'abasajja ebitali bimu lwe byayisa ekivvulu mu maaso ga Kabaka awo mu mbuga e Mengo. Mu bibiina ebyo mwalimu eky'Abataka ne Bakyayerambuga.

## GARDEN PARTY E NTEBE

Era ku lw'omukaaga olwo nga October 22, mu ssaawa ez'olw'eggulo, Ssaabasajja Kabaka ne Nnaabakyala baali ku mbaga (Garden party) ey'ekitiibwa eyategekebwa Gavana Cohen ne mukyala we mu State House e Ntebe okukulisa n'okwaniriza Muteesa. Bangi ab'ebitiibwa Abaddugavu n'Abazungu baaliyo, abagenyi bonna abajja naye ku



nnyonyi ne babeera ku mikolo n'ebikkujjuko eby'amadda, era ne baddayo ewaabwe nga banyeenya mitwe.

## EMPAKA Z'AMAATO

Ku lwokusooka, 24 October waaliwo empaka z'okuvuga amaato e Ntebe. Eyo nno yali nkuuka yennyini! Abantu abaagenda okulaba amaato baali bayitirivu obungi. Mu kutuula baabikka olubalama lwonna oluliraanye omwalo gw'emmeeri ne baba ng'enzige. Omukama w'e Toro ne Kyabazinga wa Busoga nabo baaliyo n'Abazungu n'Abayindi bangi. Ssaabasajja Kabaka ne Gavana baasaabala mu kaato ne batuukira ddala wali mu mazzi amaato we gaali gagenda okuyita. Abasajja abalunnyanja ne balyoka basala enkasi nga bwe bayimba naawe n'obasaasira. Amasaza agaali mu mpaka gaali 4: Busiro, Kyaddondo, Ssese ne Kyaggwe. Basajja be Sebwaana ab'omu Busiro be baasinga empaka z'amaato ezo.

Omuzannyo gw'ekigwo ekiganda mu kisaawe e Nakivubo gwe gwafundikira emikolo egy'amadda. Ssaabasajja ne Nnaabagereka bombi baaliyo Kyaggwe, Bulemeezi ne Kyaddondo nga gawakana ne Mawokota, Butambala ne Busiro. Tiimu ya Busiro yagobera ku bigwo kkumi, Kyaddondo ebigwo musanvu. Emikolo emitongole egy'Amadda ga Kabaka, nga bwe gyategekebwa Gavumenti ya Buganda, awo we gyakoma ne gireka abantu nga bakyagyagala, era ne bagisaalirwa bwe gyaggwayo. Kyokka ebibiina by'abantu ebitali bimu, byeyongera okwaniriza Kabaka n'okumukkulisaayo nga bamuyita ku mbaga ezitaali zimu okumala ennaku nnyingi ezaddirira Amadda ge. Oluusi yabeeranga ku mbaga bbiri oba ssatu olunaku lumu. Ku lwokubiri nga October 25, 1955 Kabaka yagenda Bamunaanika e Bulemeezi mu Lubiri lwe olw'ekyalo awummuleko.

October 30, 1955 Kabaka Muteesa yaserengeta Toro, ewa mukwano gwe ennyo Sir George Kamurasi Rukidi, Omukama w'e Toro. Omukama n'abantu be bonna baayaniriza Muteesa n'omukwano n'ekitiibwa eby'ekitalo. Era Kabaka n'abo be yagenda nabo baasanyuka nnyo e Toro. Kabaka ng'akomyewo okuva e Toro, emikolo emirala eraa egy'okumukulisa obuwaŋŋanguse gyeyongera okubaawo.

## MUTEESA APIMIBWA MU SIRINGI ENKALU

Ku lwa November 13, Ssaabasajja Kabaka ng'awerekerwako Nnaabagereka n'omumbejja Dorothy Nnassolo, baagenda e Kibuli ku lusozi olukulu olw'Abasiraamu mu Uganda ng'ayitiddwa ab'Eddiini y'Ekiyisiraamu Abaddugavu n'Abayindi okupima obuzito bwe ku minzaane nga babupimisa siringi enkalu eza silver (ennusu enkalu). Mu bagenyi enkumi n'enkumi ku mukolo guno ogw'ekitiibwa mwe mwali Sir Andrew Cohen, Gavana wa Uganda, ba offisa abakulu mu Gavumenti Enkuumi era ne Baminisita ba Bugand. Waaliwo era ne Mr. Afzal, Commissioner wa Pakistan mu East Africa, n'abantu abalala bangi nnyo.

Chai eyaliko eby'okulya ebingi ennyo, ye yasooka n'agabulwa abagenyi. Oluvannyuma Omulangira Badru Kakungulu n'asoma, mu linnya ly'Abayisiraamu bonna, ebigambo eby'okwaniriza era n'okukulisaayo Kabaka Muteesa II mu buwaŋŋanguse. Oluvannyuma Mr. Afzal ne Mr. J. Verjee, omu ku bakulembeze b'Abayindi mu Kampala, nabo baayogera. Ebyo nga biwedde, Kabaka Muteesa yatuula ku ntebe eyakolebwa obulungi ennyo ne bagisitula ne bagituuza ku minzane. Awo Omulangira Kakungulu n'atandika okufukumula siringi mu busawo ng'azifuka ku minzane nga mpya tuku. Barclays Bank ey'omu Kampala ye yabaazika ensimbi zino okukola omukolo ogwali ogw'ekitiibwa. Omutanda yapima eratiri enzijuvu 146 ezaaweramu shs. 9,000/=


Kabaka nga bamaze okumupima yasituka ne yeebaza abaategeka omukolo ogw'okumwaniriza mu ngeri eyo ey'ekitiibwa. Ensimbi zino oluvannyuma yasalawo okuzigaba ng'addukirira abaana enfuuzi ab'omu Ssanyu Babies' Home ne Bamuzibe. Oluvannyum aOmulangira Kakungulu yakulembera Kabaka era muzzukulu we n'amutwala gye baategekera Ekijjulo makeke olw'abagenyi abayite.

## ALAMBULA AMASAZA

Nga November 22 Kabaka yatandika okulambula Amasaza gonna aga Buganda ng'asookera Kyaggwe. Beeyagala nnyo n'okuyimba ne bayimba nti:



*Abavumagana Kyaggwe mulabe Muteesa*
*Mu kulambula amasaza gye yasookera.*
*Abavumagana ekkanzu mulabe Muteesa*
*Mukulambula amasaza gye yayambala.*




***Kabaka yalambula Obuganda***

Mu kulambula kuno, buli we yatuukanga ng'abantu tebamuganya kuvaawo olw'obungi n'amasanyu. Ekyavamu, abo abaabanga bamulinze ne basula ku luguudo ekiro kyonna oba ennaku bbiri nga baagala nnyo okumulaba naye nga tannatuukayo. Mu Lubiri e Mmengo baamuwa ebirabo ne biyitirira obungi. Omulenzi omuto ow'essomero erinnya lye Mayambala bwe yalaba ng'essanyu limuyitiriddeko n'aggyayo ennusu emu mu nsawo ye n'agitonera Kabaka ng'ekirabo. Oluvannyuma omulenzi oyo Kabaka yamubuuza kye yali asinga okwagala mu bulamu bwe ye n'addamu nti ayagala kusoma. Kabaka n'amusuubiza okumuweerera era n'amuweerera okutuusa Mayambala lwe yava mu ssomero. Mu biro eby'edda nga Kabaka bw'omuwa ekintu teyeebaza. Ate gwe akimuwadde ggwe weeyanza olwa Kabaka okukkiriza ekirabo

ky'omugemulidde. Mu kulambula Amasaza abantu be bangi abaali batamulabangak ku olwo baamwota buliro. Era yalyoka n'abalambula, kubanga Obuganda bwonna bwamukaabira nnyo nga bamututte.

Ku lwa December 11, 1955 Kabaka Muteesa yasala mu safaali gye yalimu ey'okulambula Amasaza, n'avuga n'agenda e Buddo mu ssomero lye gye yasomera erya Kings College, nga Bannabuddo, abasomesa n'abaayizi bamuyise ku mukolo nagwo ogwali ogw'ekitiibwa, gwe baategeka bamwanirize era bamukulise obuwaŋŋanguse. Baakola ekidaala kinene awo mu luggya lw'essomero ne bateekamu ekimuli ne Nnamulondo kwe yatuula ne bamwaniriza n'ebigambo ebyayogerwa aboogezi abalungi era waaliwo n'eby'okulya n'okunywa. Ku lwa Sskukkulu December 25, 1955 Kabaka Muteesa II yaweereza ku radio obubaka bwa Ssekukkulu eri abantu ba Buganda era n'abaagaliza n'emikisa n'emirembe mu mwaka omuggya



*Mu makubo amabi yalambulira ku kagaali*

**EBIKULU MU NDAGAANO EYA 1955**

Okuva endagaano ya 1900 we yakolerwa, eby'obufuzi bwa Buganda Abangereza bajjanga babyesigamya ku Ndagaano eyo. Nga ye ntegeka y'obufuzi egobererwa mu kufuga Buganda. Naye omusango gwa Kabaka



bwe gwali guwozesebwa abasajja abakugu mu by'amateeka, abalamuzi ne balooya, engeri gye baataganjulamu era ne bawenja buli katundu na buli kanyiriri akaali mu ndagaano ya 1900, baalaba nti newakubadde nga waaliwo ebintu bingi ebyavaako obutategeragana wakati waa Gavana, ne Kabaka n'olukiiko, naye nga n'Endagaano nayo mwe baasinziira okukayana nayo yali ekaddiye, era ng'efuuse nkonge mu kukula kwa Buganda mu by'obufuzi.

Omusango gwa Kabaka nga gumaze okusalibwa, Gavumenti ya Bungereza nayo yakiraba era n'ekikkiriza nga kisaana okukolawo endagaano ya Buganda endala. Kwe kutuma Mr. Hancock, omukungu mu bya Constitution, ajje ateesaganye n'ababaka b'olukiiko lwa Buganda ekyavaamu Endagaano ya Buganda eya 1955. Endagaano eyo bwe yali ekolebwa, yali ya kumala emyaka etaano gyokka, oluvannyuma wabeerewo okuteesa okulala ku by'enkolagana wakati wa Gavumenti yaQueen n'eya Buganda. Ebikulu ebyassibwa mu ndagaano ya 1955 bye bino:-

1. Okukomyawo Kabaka Muteesa II ku Bwakabaka

2. Okuggya Kabaka mu lwokaano lw'eby'obufuzi n'afuuka ***"Constitutional Monarch",*** okwongera enkola ya (demokulase) mu Buganda. Ku luuyi lwa Buganda abantu n'olukiiko baalwawo nga tebannamatira enkola eno eyali empya ennyo mu Buganda. Eya Kabaka waabwe gwe baagala era gwe beesiga ennyo obuteefugira butereevu bantu be naye n'alinda okukakasa oba okuwa amagezi ku ebyo ebinaabanga bimaze okuteesebwa Baminisita be. Abaganda baasooka ne bakirowooza nti ssi kituufu. Naye ate oluvannyuma entegeka eno Olukiiko lwagikkiriza olw'okwerinda nti ssi kulwa nga ate Kabaka baddamu okutomeragana obutereevu ne Gavana omulala aliba aliwo, olwo ate nga Kabaka addamu okuwaŋŋangusibwa?

3. Endagaano yawa obweyamo obukakasa ddala nga Buganda tegenda kugattibwa mu Federation ya East Africa wabula ng'Olukiiko lwa Buganda olukulu lumaze okukkiriza. Sso si kubuuza Legico yokka.

4. Nga wabaddewo enkaayana ku by'entaputa ya Constitution, High Court ya Uganda y'enesobolanga okuzitawulula.

5. Endagaano yayongera Obwakabaka ba Buganda buyinza ku mirimu gya Baminisita abaali abasatu ne bafuuka mukaaga, Katikkiro, Omulamuzi, Omuwanika Eby'Obulamu, Eby'Enjigiriza n'Obulimi.

6. Buganda okuba nga eri kitundu kya Uganda ey'awamu.

7. Olukiiko lwakkiriza okulondanga ababaka ba Buganda okukiika ku Legico.

8. Mu Lukiiko olukulu, olwali lutuulamu abaami abeerere, mwayongerwamu abakiise b'abantu nkaaga (60) nga balondebwa butereevu ku kalulu. Okwo ne kweyongerako Speaker, Ababaka ba Kabaka mukaaga, olwo bonna abatuula mu lukiiko olwo ne bawerera ddala 93.

9. Gavana yasigaza obuyinza okukakasa oba okugaana etteeka lyonna era ng'ayinza n'okugaana okukakasa abaami ba Kabaka nga ne Katikkiro mw'agendedde.

Mu September 1955, Gavumenti Enkuumi nayo mwe yatandikira okussaawo enkola eya Baminisita (Ministerial system) mu nfuga yayo era n'eyongera ku muwendo gw'ababaka Abaddugavu mu Legico ne guba kyenkanyi, 30/30. Enkyukakyuka ezo tezandisobodde kubeerawo mangu singa Kabaka Muteesa teyamaka kuwaŋŋangusibwa. Bwe zityo ezimu ku nsonga ezo waggulu ezaleetawo akasambattuko akanene wakati wa Gavana ne Kabaka n'Olukiiko lwa Buganda, ababaka abaali ku kakiiko ka Hancock, Gavana bwe yazibanjulira, baasobola okuziteesaako n'obwegendereza okutuusa enjuyi zombi lwe zatuuka ku kukkiriziganya. Era okukkiriziganya okwo tekwakoma ku kukomyawo Kabaka kyokka, naye kwaleeta obufuzi bwa Buganda okugenda ennyo mu maaso n'okwanguyako obwetwaze bwa Uganda yonna.

Ate ka tuyingireko katono mu Ndagaano ya 1955, tulabe egimu ku mirimu egyaddizibwa Buganda n'enteekateeka ezateekebwawo okugiddukanya



nga bwe zaalagibwa mu ndagaano eyo. Endagaano yateekawo enkola y'Olukiiko okulonda agenda okulya Obwakatikkiro, Gavana amala kumukakasa Kabaka n'alyoka amuwa. Ate ku by'okulonda Baminisita, Endagaano egamba nti Katikkiro y'ajjanga kulonda abantu abo, ng'abaggya mu lukalala lw'amannya 15 aganalondebwanga Olukiiko olukulu. Mu 1961 baayongerako ne Minisita wa Local Government.Nga Ministry empya zimaze okuteekebwawo, Gavumenti ya Uganda yakkiriza okwazika Gavumenti ya Buganda abamu ku b'Ofiisa baayo Abazungu ne bagenda okukolera e Mengo nga Ba Permanent secretaries mu Minisitule ezo okuyamba okuziggulawo n'okuzitandka obulungi.

## EBYAFUNIBWA MU NDAGAANO YA 1955

Kabaka ng'akomyewo, abantu baatandika okumuloopera abaami n'abantu abalala abaamulyamu olukwe. Waaliwo omwami omu Ow'eggombolola e Kyaggwe eyagambanga abantu nti: ***"Kabaka Muteesa II bw'alidda ku Bwakabaka, nze muntemangako okugulu kwange okumu".*** Kale ono abantu, ekibiina ekinene, baamulumba nga bakutte amajambiya ne bamubuuza okugulu kwe bagenda okutemako, kwa kkono oba kwa ddyo? Kyokka newakubadde tebaamutemako naye mu bwami yavaamu. Omwami omulala era eyagendanga agamba abantu nti Muteesa tagenda kudda, ono baamulumba mu mbuga ye n'ekibiina kinene. Bwe baatuuka mu luggya lw'ennyumba ye ne bakuma enkoomi y'omuliro ne bookeramu kassemufu (akafaananyi) nga bagamba nti ***"Omwami eyajeemera Kabaka tumwokezza afudde".*** Abaami abamu baagobebwa mu bwami abalala ne bavaako bokka. Oluvannyuma Ssaabasajja Kabaka bwe yalaba ng'ebikolwa eby'okulwana mu ggwanga bigenda byeyongera, n'ayisaawo ekirangiriro ng'ategeeza nga Gavumenti ya Kabaka bw'etewagira bantu kukola bikolwa bya bukambwe mu ngeri ng'eyo. Olwo okutiisatiisa abaami n'abantu abalala ne kugenda nga kuggwawo.

Okuwaŋŋangusibwa kwa Kabaka Muteesa kwakola kinene nnyo mu kukuza Uganda n'okugituusa ku kwefuga amangu. Muteesa II bwe yakkiriza okuggyibwa ku Bwakabaka okusinga okuleka ensi ye okutwalibwa mu bufuzi obutaali butuufu, yali nga awaddeyo ssaddaaka okununula Uganda yonna era n'okwanguyako okwefuga kwayo. Mu nsonga eno Kabaka Muteesa

yakola kinene okusinga omuntu omulala yenna mu Uganda. Endagaano ya 1955, yatwalira ddala Buganda mu maaso mu by'obufuzi bw'ebitundu ebirala mu Protectorate ne bulyoka bulongosebwa nga bugoberera entegeka ya Buganda. Eky'okulabirako bwe Bwakabaka bw'e Bunyoro. Nabo baakolawo Endagaano Empya ne Gavumenti ya Bungereza, eyadda mu kifo ky'enkadde eyaliwo eyakolebwa mu 1933 era n'omukama w'e Bunyoro n'afuuka ***"Constitutional Monarch"*** nga owa Buganda.

Ate mu myaka egyaddirira amadda ga Kabaka ebibiina by'obufuzi byeyongera nnyo amaanyi kubanga baali bategedde ng'Omungereza kisoboka okumuwangula mu by'obufuzi. Uganda National Congress (UNC), okusooka kyalwanirira Kabaka okudda n'oluvannyuma ne kirwanirira okwefuga kwa Uganda amangu. Newakubadde ng'olukiiko lwa Buganda lwasooka obutayagala bibiina bya bufuzi, nga lutya nti ebibiina ebyo bigenda kuggwawo Obwakabaka, naye Kabaka bwe yadda ebibiina ne bitondebwawo bingi gamba nga ***Uganda Labour Party, Uganda Nationalist Party, Democratic Party, Progressive Party,*** n'ebirala. Naye nga byonna okusinga birwanirira ekintu kimu ***KWEFUGA KWA UGANDA***. Wandirowoozezza nti Muteesa II bwe yakomawo mu Buganda mu 1955 mpozzi yasanga ebizibu by'obufuzi bwa Buganda bikendedde. Naye ekyo ssi bwe kyali. Olutalo olw'okuzza Kabaka lwayerula bweruzi amakubo ag'okuyitamu okulwanagana n'ebizibu bye yalekawo nga bino:

> Olutalo olw'okwefuga kwa Uganda ne Buganda yalulekawo era n'alusangawo. Era bw'etyo Buganda yali tennategeezebwa mu bukakafu kifo kyayo, yadde okutegeezebwa ekifo kya Kabaka wa Buganda nga bwe kiriba mu Uganda eyefuga. Gavumenti ya Protectorate yali ng'egenda bugenzi mu maaso n'entegeka zaayo ez'okutuusa Uganda ku kwefuga ng'ebitundu byonna ebya Uganda bifugibwa mu ngeri emu (Unitary Gavumenti).
>
> Abantu ba Buganda baali bakyasaba Buganda egattibwe ku Uganda mu nfuga eya Federal, bwe batyo basobole okukuuma Obwakabaka bwabwe n'empisa zabwe ez'obuwangwa ze bataayagala ziffe. Naye nga kino kitegeeza nti bwe baliweebwa federal n'ebitundu ebirala nabyo birigifuna.
>
> Buganda ng'erina ettaka eriweza kumpi kimu kya kusatu ekya Uganda, n'abantu abawera kimu kya kuna eky'abantu abaali mu Uganda; ate nga abantu kitundu ekisinga obunene mu Uganda era nga kye kisingamu abantu abayigirize n'enfuga entegeke obulungi, baalaba nga basobolera ddala okweyongera okugenda mu maaso nga bali mu Uganda mu ngeri ya **federal**, sso ssi **unitary government.**
>
> Abaganda baali tebasaba kugaziya Buganda, naye nga baagala kunyweza ekyo kye baalinawo ekyabwe. Baalina okutya nti Abangereza okugenda ne babaleka nga bagattiddwa bumu n'ebitundu ebirala ebikyali emabega mu buyigirize ne mu by'obufuzi, kigenda kuzza Buganda emabega oba okugiziyiza okweyongera mu maaso. Ekirala kyali nti ab'ebitundu ebirala nga bwe baali basinga ku Buganda obungi mu Paliyamenti bayinza okwagala okubakotoggera oba kubasaanyawo olw'obuggya n'okwagala okwekkusa bokka.



Era nga tukyali ku buzibu Kabaka bwe yasanga mu kiseera ekyo, kirabika nga newakubadde yali afuuliddwa omufuzi afugira ku mateeka, era nga takyali mu lwokaano lwa byabufuzi olwo nga Kabaka asigadde kwebuuzibwako mu nsonga nkulu zokka; Kabaka yalabira awo ng'ensonga enkulu zigwawo lutata. Baminisita be bajjanga nnyo okumala okwebuuza ku Kabaka waabwe mu nsonga enkulu ezikwata ku Gavumenti ye, bw'atyo naye n'abibeerangamu nnyo. Nga January 9, 1956, basajja ba Kabaka abeesigwa, Bakyayerambuga, lwe baafumba embaga makeke (garden party) okwaniriza n'okukulisayo Ssaabataka era ne bamutonera ne falaasi bbiri kubanga yali amanyi eby'okwebagala. Embaga yali mu paaka ya Kabaka mu Lubiri e Mmengo.

Ku lwa April 10, 1956, Kabaka yaggulawo olukiiko oluteeka Amateeka nga lwe lw'okubiri kasoka ava mu buwaŋŋanguse n'agaba obwami ***n'Ekitiibwa ky'Engabo n'Amafumu***. (Ekitiibwa eky'Engabo

n'Amafumu Ssekabaka Daudi Ccwa ye yakiteekawo mu 1939, okukigabiranga abantu abakoze emirimu egy'omugaso mu Ggwanga era n'okubeera abeesigwa eri ensi yaabwe. Ekitiibwa kirimu ebitundu bibiri: eky'Abakungu n'eky'Abaami.

Abakungu abaaweebwa ekitiibwa eky'Engabo n'Amafumu (***officers of the order of the shield and spears)*** baali: ***Omulangira Badru Kakungulu*** ne ***Owek. Micheal Kintu***, Katikkiro. Abaami ab'Engabo n'Amafumu (Members of the order of the shield and spears) abaaweebwa baali:

Owekitiibwa Fesito Manyaŋŋenda – Ex-Regent
Owekitiibwa Andrewa Ssekiti Kyemwa – Ex-Regenti
Owekitiibwa Antonio Gita, Omulamuzi
Owekitiibwa Bulasiyo K. Kavuma Omulamuzi
Owekitiibwa Rafaeri Kasule, Omukubiriza w'Olukiiko
Owekitiibwa Amos K.Sempa Minisita wa Education
Omwomi Samson Bazongere, Ow'Akakiiko Akagaba Emirimu.
Reverend Father J.K. Masagazi R.C. Mission, Lubaga
Reverend Canon Daniel Lubwama N.A.C., Namirembe
Omwami Musa K. Parma Ntanda, Ow'ebyamawulire


## GAVANA COHEN AMALA EMIRIMU

Mu May 1956, Gavana Cohen yayanjulira Legico entegeka ez'okulonda ababaka b'Olukiiko olwo ng'ayagala luziyise. Yayagala Legico ekakase nti mu 1961 wagenda kubeerawo okulonda obuterevu (Direct Election) ababaka ba Legico mu Uganda yonna; era okulonda okwo nga kugenda kugoberere ennonda eya "Common Roll" (ey'ekikungo) naye nga wassibwawo ebifo ebitereke olw'ababaka Abazungu n'Abayindi abaali mu Uganda. Enteekateeka y'okulonda obutereevu bwe yayanjulwa mu Legico, bonna baagikkiriza. Naye eky'okuterekera Abazungu n'Abayindi ebifo Abaddugavu bonna abaali mu Legico baakigaana. Ekyavaamu, Gavumenti okuteesa ku by'okulonda n'ekuyimirizaako ng'egamba nti kulibeerawo mu 1958 abateesa kibawe ebbanga okulowooza ennyo ku nsonga eyo.

Sir Andrew Cohen we yagendera, Abaganda baali bazzeemu okumwagala olw'engeri gye yakolagananga nabo obulungi n'okuwuliriza



bye bagamba, oluvannyuma lw'okudda kwa Kabaka. Era bwe yali ng'agenda waaliwo bangi abaamusaalirwa nga bagamba nti yandigize ng'akyatufuga kubanga ye yali amanyi ebizibu byabwe. Anti omukwano ogweyagaza oluusi guva mu ngabo.



***Governor Cohen ng'asiibula abafuzi ba Uganda ab'ensikirano abatudde omukama wabunyoro, Cohen , omukama wa Tooro abayimiridde Kabaka Muteesa, n'Omugabe Wankole***

Ku nkomerero ya 1956, Sir Andrew Cohen yava mu Bwagavana n'addayo e Bungereza, n'asikirwa Sir Fredrick Crawford, eyali Gavana w'e Kenya. Sir Crawford yatuuka ku nkomerero ya 1956. Abantu tebaasooka kumwesiga nga balowooza nti nga bw'abadde e Kenya ng'ayigganya aba Mau Mau, bamuleese kuno atigomye abantu ba Buganda. Kyokka yali mufuzi mulungi era yali mukwano gwa Kabaka Muteesa II era ne bakolagana bulungi.

## BULANGE EMPYA

Omwami Serwano Kulubya ajjukirwa olw'okutandikawo ensawo ey'okuzimba Bulange. Zaasondebwa okumala emyaka 15, okutuusa lwe zaawera ne batandika okuzimba okwamalawo shs.4,400,000=

(Obukadde buna n'emitwal ana). Ate okugula entebe n'emmeeza byatwala shs. 300,000/=. Nga December 11, 1956 Kabaka Muteesa II yaggulawo Bulange Empya, Buganda Gavumenti n'eva mu Lubiri n'edda mu Bulange Empya.



*Bulange empya*

## AKABBINKANO MU LEGICO

Mu August 1957, Legico yaddamu okuteesa ku by'okulonda ababaka ab'okukuba akalulu ak'okulonda omusajja oba omukazi ng'awezezza 21 egy'obukulu era nga balina ekimu ku bino:-

(a) ettaka lya mailo oba ekibanja;
(b) ng'asobola okusoma n'okuwandiika mu lulimi lwe oluzaaliranwa;
(c) nga yali akozeeko ku mulimu okumala emyaka musanvu;
(d) ng'alina ebintu by'obwannanyini ebiweza paundi 400 (mu kiseera ekyo nga ze siringi Enkumi bbiri mu lunaana-2800/=); oba ng'asobola okuweza paundi 100 omwaka (shs.700/=) ku mulimu nga empeera oba busuubuzi.

Nga bakozesa entegeka eyo, abasajja bana ku buli basajja bataano, n'omukazi omu ku buli bakazi bataano, nga bagenda kufuna omukisa



okulonda mu bitundu byonna ebya Uganda, nga ne Buganda mw'eri, ababaka ba Legico nga bagenda kulondebwa buteerevu.

Mu bino byonna, olukiiko lwagaana okugenda mu Legico, nga lulinawo ensonga entuufu. Okutegeera ekyaganyisa Buganda okulonda kyali kyefanaanyiriza n'omuntu alina ekisiki ky'oluku ekimu, nga waliwo ebyoto by'omuliro bibiri ebikumiddwa. Ow'oluku olumu okulukoleeza eno n'eri, lwakire mu byoto bibiri kiba tekisoboka busobosi. Mu ngeri y'emu okuba n'enkiiko bbiri nga zikiikirira Buganda kyali tekiriimu makulu (bwe batyo abantu bwe baalowooza). Ensonga endala yali ya lukiiko lwa Buganda okutya ebibiina by'obufuzi so nga byali bizze butaddayo. Mu kukkiriza enkola ya demokulasi Buganda yali eteekwa okukkriza ebbiina by'obufuzi kubanga enkola yabyo egendera ku misingi gya demokulasi.

Ebintu biba bikyali bityo ate Gavumenti Enkuumi n'ereeta enkola eyayongera Buganda okweongerayo mu kisonko, bwe yagamba nti wasaana wassibwewo ebifo eby'enjawulo mu Legico nga bya Bazungu na Bayindi. Abaakisemba baali 34 ate abaakwakanya ne babeera 20. Tewaali muddugavu yakisemba naye ne kiyita. Olukiiko lwa Buganda bwe lwalaba enkola eno ne lweyongera okutya kubanga okuyita kw'ekiteeso ekyo kwanyweza ebigambo Muteesa bye yayogeranga nti ekirowoozo bwe kireetebwa Abaddugavu tekifiibwako, wabula ebyo eby'Abazungu ne bwe baba batono batya. Olukiiko kwe kukakasa ekyo kye lwagambanga bulijjo nti Buganda okuweereza ababaka baayo ku Legico tegenda kufunamu mugaso kubanga abalala bajjanga kubasinga olw'obungi bwabwe balemese okuyisaawo ebyo Buganda by'eba eyagala. Olukiiko lweyongera okujjukiza nti nga Buganda bwe yalina endagaano ez'enjawulo ne Bungereza ebyayo biteesebwenga na Mubaka wa Queen so si kubiyisa mu Legico Abazungu n'Abayindi gye baali basobola okubirinnyirira.

Gavumenti bwe yalaba ng'eby'okuterekera abagwira ebifo mu Legico kireese ensasagge mu baddugavu, ate ng'enkola eyo yali tegenda kuteekebwa mu nkola okutuusa mu 1961, ekyo n'egira

ng'ekyakitadde ku bbali, n'egenda mu maaso n'okulonda mu 1958 awatali bifo bya njawulo. Okulonda kwali tekunnabaawo, Gavana ne Residenti ne bava mu Legico mu bifo byabwe ne muteekebwamu abaddugaavu basatu. Olwo Legico n'eba ng'erimu abantu bwe bati:

| | Oludda lwa Gavumenti | Olw'ababaka b'abantu |
|---|---|---|
| | | 18 |
| Abaddugavu | 15 | 6 |
| Abazungu | 14 | 6 |
| Abayindi | 3 | 30 |
| Okugatta | 32 | |

Gavana ng'avudde mu Legico, baalondawo Speaker kukubirizanga olukiiko. Gavana yalowooza nti Abaddugavu bajja kusanyuka era bamwebaze olw'abaddugavu kuba nga be basinga obungi mu lukiiko naye si bwe kyali n'Olukiiko lwa Buganda. Abaganda baagamba nti Gavana okuva mu Legico kyali kitegeeza nti Kabaka w'e Bungereza yali takyakiikirirwa mu bujjuvu mu lukiiko olwo, nti era ekyo kyali kumenya Ndagaano ya 1955 eyali egamba nti tewagenda kubaawo nkyukakyuka nnene bw'etyo okutuusa mu 1961. Nolwekyo Buganda yali tejja kuweereza babaka mu lukiiko olwo kubanga olwo si lwe lukiiko olwali lukkiriziganyizibbwako mu ndagaano.





# UGANDA ETANDIKA OKWETEGEKERA OKWEFUGA

Okulonda obutereevu ababaka ba Legico mu November 1958 kwaliwo mu bitundu ebikiikirirwa (constituencies) kkumi byokka mu kifo ky'ebitundu 18 ebyali bisaliddwa mu Uganda yonna. Ebitundu bya Buganda ne Bugishu tebyalonda so nga Ankole yasalawo obutalonda butereevu. Ensonga enkulu eyagaana Buganda okulonda yali ya Gavana kuva mu Legico, Buganda kye yataputa nti olwo Bungereza yali emenye endagaano. Buganda yatwala okwemulugunya kwayo mu Kooti enkulu eya Uganda esalewo. Looya wa Buganda eyava e Bulaya, Phineas Quass Q.C. yasaba Kooti esalewo ku nsonga zino:

1. ***Legico, mu kiseera ekyo si ye yali y'emu ne Legico eyali eyogerwako mu Ndagaano ya 1955.***


2. ***Katikkiro tateekwa era talina buyinza kukola nteekateeka za kulonda babaka kukiika ku lukiiko olwo nga bwe lwali.***

3. ***Okutuusa ng'obukiise buzzibwa nga bwe bwali okusooka, tewaliiwo ntegeka yonna esobozesa Buganda kulonda babaka baayo kutuula ku lukiiko olwo.***

Omusango bwe gwamala okuwozesebwa ne gusinga Katikkiro wabula n'ajulira mu East Afrian Court of Appeal era nayo eyasala nti era Katikkiro gwamusinga. Abalamuzi baagamba nti tewaali kiraga nti Gavana yali wa kubeeranga mu Legico ebiseera byonna. Naye newankubadde Buganda omusango gwagisinga era tebaalonda babaka baabwe okutuusa mu 1961. Bw'etyo Buganda n'esigala wabweru w'olukiiko olulina obuyinza obufuga Uganda, ebitundu ebirala ebya Uganda ne byongera okunyweza ebifo byabyo mu kukulembera Uganda era ebintu byali bwe bityo okutuusa mu 1961 okulonda okulala we kwabeererawo.

## OBOTE ABAJJULA MU (UNC)

Ebyava mu Bugaanda okuzira Legico nga bikyali awo, ku nkomerero ya 1958 Abakulembeze ba Uganda National Congress (Ekibiina ky'obufuzi ekyali kisinga obunene mu Ugaanda) baagwamu nnabe bwe baafuna obutategeeragana ne baawukana. ***Apolo Milton Obote*** n'agenda n'ekiwayi kye yatuuma ***Uganda Peoples Union*** oluvannyuma kye yakyusa ate n'akiyita ***Uganda Peoples Congress.*** Kigambibwa nti ekyavaako omutawaana lwa kuba UNC kyali kikulemberwa kumpi Baganda bokka. Olwo abatali Baganda ne balowooza nti basosolwa; kwe kutondawo UPC nabo basobole okufuna ekibiina ekyabwe era mukyo obukulmbeze obwo ku ntikko bwatwalibwa abatali Baganda, newankubadde Abaaganda abatonotono abaabegattako nabo baafunayo ku bwami.



*Apolo Milton Obote*

## UGANDA CONSTITUIONAL COMMITTEE

Mu kiseera kye kimu mu November 1958 Legico empya Buganda gye yazira bwe yatuula, Gavana Crawford yagyanjulira nga bw'ayagala okulondawo akakiiko ak'enjawulo kabuulirize wonna ku by'okukolawo konsitityuson esaanira Uganda era n'engeri y'okulonda ababaka abaligenda mu Legico mu 1961. Eyali ssentebe w'akakiiko akaamanyibwa nga Uganda Constitutional Committee yali J.V. Wild,



omu ku bakulu mu Gavumenti Enkuumi. Kaaliko Abazungu 3, Abaddugavu 10 n'Abayindi 2 era ne katandika okukola omulimo gwako mu February mu 1959. Kaakola mu kiseera kizibu nnyo kubanga we kaatandikira mu mwezi gwe gumu ne wabalukawo akeediimo kkuulaamalungi akaasanyalaza obusuubuzi bw'Abayindi ne kabaleka nga bafumbya miyagi ne Gavumenti Enkuumi ne kagisuzanga ng'esiimbye enkokola n'etandika n'okulumbagana Kabaka Muteesa ataakalinamu na ddoboozi!

## AKEEDIIMO KA 1959

Mu February 1959 ebibiina by'obufuzi ebiwerako byegatta ne bikola ekibiina ekimanyiddwa nga ***Uganda National Movement (UNM)*** nga bikulemberwa ***Augustine Kamya*** eyali yeekozesa emirimu gye. Ebigendererwa byakyo byali:-

1. Okulwanirira Uganda efune mangu okwefuga.
2. Okuwakanya eby'okuteekawo ebifo ebyawufu mu Legico olw'Abayindi n'Abazungu abaali bakyesibiridde.
3. Obwetwaze mu by'enfuna, Abayindi balekere awo okumaamira obusuubuzi wonna mu Uganda.

August Kamya ng'ali mu lukuŋŋaana lunene olwali e Katwe yalangirira olutalo olw'obutagula bintu ku Bayindi olwakazibwako erya "***Boyikooti***" (trade boycott). Baalangirira obutagula mwenge muzungu (beer), obutalinya mu baasi za Uganda Transport Company (UTC), obutatunda mmwanyi, n'obutagula biva mu nsi z'ebweru (imported goods) okuggyako ebyo byokka ebyetaagisa okuyimirizaawo obulamu, nga sabbuuni, sukaali n'omunnyo.



***Augustine Kamya***

Boyikooti yakola nnyo okufufuggaza obusuubuzi bw'Abayindi mu byalo ne

bavaayo amaduuka ne bagalekera Abaddugavu, anti nga tebakyalina kye batundayo. N'e Kampala amaduuka ne batandika okugapangisa Abaddugavu. Emmotoka eza takisi, ku ky'okuzira baasi za UTC, kwe zaatandikira okutwalanga abantu. Ekyavaamu be bantu okutandika okukola eby'ettima n'obukambwe ku bantu abagula ebintu ebyaawerebwa. Okutuusa Gavumenti Enkuumi lwe yakwata Augustine Kamya, omukulembeze wa UNM, n'emuwozesa mu kooti n'emusiba omwaka gumu n'ekitundu. Omusango ogwamusibya, kwe kugenda mu baala ya Paulo Lugayizi ku kyalo Miseebe mu Ssingo, n'atiisatiisa Lugayizi nti: Baala yali agenda kugyokya bw'atalekera awo kutunda biiya eyawerebwa.

Augustine.Kamya ng'amaze okusibibwa, Haji Busungu, Acting – Ssentebe wa UNM, yalagira nti, Boyikooti yali ya kusigala ng'ekyagenda mu maaso. Milton Obote, ne George Magezi, ne bannaabwe aba U.P.C baavumirira nnyo Boyikooti, n'abalala abaakolanga mu bayindi kubanga baali tebakyalina mirimu, ne batamwa Abaganda olw'okuteekawo obutagula bintu. Nga May 22, 1959 Gavumenti Enkuumi yalangirira nga UNM bwe kiwereddwa, ne Buganda yonna yalangirirwa okubeera "ekitundu eky'akatabanguko" (disturbed area). Gavana yawandiikira Baminisita ba Buganda ng'abategeeza nga embeera mu Buganda bwe yali efuuse eky'akabi ennyo era n'abasaba okukolera awamu naye mu kuzzaawo emirembe n'obutebenkevu.

U.N.M nga kimaze okuwerebwa, ab'ebyobufuzi abaawerebwa nga 30 baakuŋŋanira e Katwe mu office ya E.M.K Muliira, eyali President wa Progressive Party, ne bakolawo ekibiina ekirala eky'obufuzi kye baayitanga ***Uganda Freedom Movement.*** N'ekyo Gavana bwe yakiwera ne bagenda nga bakyusakyusa amannya g'ekibiina ekyo nga bakizzaawo mu mannya ag'enjawulo nga Uganda Freedom Convention, Uganda Freedom Union. Era byonna Gavana n'agenda ng'abiwera, naye Boyikooti n'obusasamalo nga bikyagenda mu maaso. Oluvannyuma poliisi yakwata abakulembeze ba UNM bano:-

E.M.K. Muliira Haji Alamanzane Busungu
Paulo Muwanga Elizaphan R.K.S.Mawagi
Yosiya Ssekabanja Ignatius K. Musaazi



Poliisi yabawa ekiwandiiko ekigamba nti babadde beeyisa mu ngeri ey'akabi emalawo emirembe n'obutebenkevu mu nsi. Kyali kiteekeddwako omukono gwa C.H. Hartwell, Chief Secretary, ng'asinziira mu kiragiro eky'okuwaŋŋangusa (Deportation order). Ku nkomerero ya June abaakwalibwa mu Kooti ne bawozesebwa. Baategeeza Omulamuzi nti eby'obukambwe n'okwonoona ebintu by'abantu nabo tebalisemba. Naye era baasingibwa omusango ne batwalibwa mu Northern Province eya Uganda: abamu e Gulu, ne Arua abalala Soroti.

Nga June 2, 1959 Katikkiro Kintu yategeeza ku ladiyo abantu bakomye mangu ebikolwa eby'ettima n'obukambwe ebimenya amateeka, era n'ategeeza abantu bonna nga bwe baali ab'eddembe okugula ebintu bye baba beetaaga wonna we baba babisanze. Yategeeza abantu bonna nti ebyo abirangiridde ku lwa Ssaabasajja Kabaka era ne ku lwa Gavumenti ya Buganda. Waaliwo omulundi Kabaka Muteesa lwe yayogera mu Lukiiko mu Bulange naye n'avumirira ebikolwa ebimenya amateeka nga biva mu butagula bintu. Kabaka ne Katikkiro okuvumirira mu ngeri eyo kyava ku bikolwa eby'ettima ebyali bigenda bikolebwa mu bitundu bingi ebya Buganda, ngabino: Ekiro kimu baatema emmwanyi emiti 1,000 eza John Tebandeke ow'e Kiteezi, Kyaddondo, ate ne bookya ennyumba ya A. Musoke e Nnakulabye, era ne boonoona baala(bar) ya Railway Club e Nsambya nga babalanga okutunda biiya.

Mu kiseera ekyo Minisita wa Buganda Leonard Basudde, owa Natural Resources, kooti y'e Kampala yamutanza ensimbi ng'emulanga okuba nnannyini katabo k'amawulire ***"Munnansi"*** akaafulumya ebigambo n'ebifaananyi ebikyayisa Gavumenti ya Uganda era ne bisasamaza abantu byonna nga bisinziira ku ***Boyikooti. "Munnansi"*** baakawera era n'omukuŋŋanya waako, Joseph Nnambaale ne bamusiba. Ekibiina kya UNM kyategeezanga abantu nti ekimu ku byakiteekesawo kwe kulwanyisa akakiiko ka Wild, The Uganda Constitutional Committee".

Ku ntandikwa ya June 1959, abantu abaawera nga 800 oba 900 baakuŋŋanira e Katwe ne batandika okujagalaza abantu nga baleekaana eŋŋombo ya ba Movement gye baateranga okwogera nti ***"Firidomu, firiddomu"(freedom,freedom).*** Aba poliisi bwe bajja okubagumbululawo,

baagaanirawo. Bwe baatandika okubakuba n'ebiggo byabwe, abantu nabo ne bakasuka amayinja n'ebitundutundu by'emiti. Aba poliisi kwe kuleeta emmundu ne bakubako abantu musanvu ne batwalibwa e Mulago. n'abapoliisi 9 baagendera ku bisago. Abantu 16 baakwatibwa kw'olwo. Oluvannyuma Boyikooti yagenda ekkakkana mpola. Newakubadde nga tekyali mu bya bufuzi naye kyatiisa nnyo Gavumenti kubanga kyalaga nti abantu nga beegasse basobola okukolawo eky'amaanyi.

Gavumenti ya Uganda , ng'ewagirwa ababaka ba Legico ab'ebitundu ebirala, bwe yalaba ng'efiiriddwa ssente nnyingi ze yaandifunye mu mpooza (Customs & exercise duty) olwa Boyikooti eyakolebwa mu Buganda, yategeeza Gavumenti ya Buganda nti paundi 250,00o ze yafiirwa mu mpooza, ejja kuzisala ku nsako gy'esasula Buganda eza buli mwaka, era yazisala. (Kyabalirirwa nga paundi 475,000 Gavumenti yandizifunye mu mpooza. Era nga paundi ezo 475,000 Buganda yandiweereddwako ensako ya paundi 250,000). Olukiiko olukulu bwe lwatuula e Mmengo kuteesa ku nsonga eno, lwali lwagala okuwaaba. Naye oluvannyuma ne lusalawo nti terujja kulwanagana na Gavumenti Enkuumi mu by'amateeka olw'okumma Buganda ensimbi, sso nga mu Ndagaano ya 1900 yalagaana okuzisasulanga buli mwaka. Kwe kusaba abantu ba Buganda bazisonde kyeyagalire abazizzeewo, nga buli muntu asonda shs. 5/=. Ensimbi zaasondebwa mu Buganda mu ngeri eno naye tezaamalayo paundi 250,000 olukiiko ze lwasala. Yadde nga Kabaka yali amaze okulangirira mu lukiiko era ne Gavumenti ya Buganda nayo n'evumirira ebikolwa eby'ettima n'ettemu ebyakolebwanga abantu nga biva ku Boyikooti naye Boyikooti yagenda mu maaso n'emalako omwaka n'eyingira ne mu 1960. Abayindi ab'amaduuka baadooba nga basigadde kuyita mu Baddugavu okusuubula obuntu obutonotono bafunemu kye banaalya.

Ye Resident Buganda, ne Gavana Crowford baali nga balumiriza Kabaka ne Gavumenti ye nti bawagira ebikolwa ebigivaamu. Kyo kituufu nti waalingawo bangi mu Gavumenti ya Kabaka abaasanyukira okulaba ng'Abayindi baggyibwako obusuubuzi budde mu Baddugavu. Naye Gavumenti Enkuumi teyasobozesa Baddugavu kuyingira busuubuzi, kubanga amatendekero agakwata ku by'obusuubuzi oba emirimu egy'emikono gaali matono.



Mu 1960, Kabaka n'olukiiko baali bamaze ebbanga ggwanvu nga bateesa ne Gavana ku nsonga za Buganda naye ne batakkiriziganya. Awo we baava ne bagenda bateesa n'omukulu w'Amatwale. Ekyavaamu olukiiko lwa Buganda, nga lutudde mu Bulange ku lwa December 31, 1960 lwayisa ekiteeso kya kukomyawo Endagaano zonna ezaakolebwa Bungereza kukuuma Buganda, ne Gavumenti ya Queen ne bagiragira okuva mu Buganda nga January 1, 1961.Abamu baasekerera olukiiko okuyisa ekiteeso ekigoba obufuzi bwa Queen mu Buganda sso nga terusobola kukissa mu nkola. Naye kino kyali kimu ku biraga nti ggwe wamma olukiiko lwa Buganda lwali lwetamiddwa Gavumenti ya Queen. Kyokka yo Gavumenti Enkuumi newakubadde baali bagigobye mu Buganda, teyavaamu wabula yagenda bugenzi mu maaso n'okutegeka eby'okulonda ababaka ba National Assembly.

## AKAKIIKO KA LORD MUNSTER

Engeri Buganda gye yasimba nnakakongo ng'eyagala emale kunnyonnyoka ekifo kya Kabaka n'ekya Buganda bwe biriba mu Uganda eyeefuga, yawaliriza Gavumenti ya Queen okuteekawo akakiiko akayitibwa ***"Akakiiko Akenkolagana"*** (Uganda Relationship Commission), nga kakulirwa ***Lord Munster.*** Kaatandika okubuuliriza mu March 1961 ne kafulumya lipoota yaako mu June 1961. Newakubadde ng'olukiiko lwa Buganda lwagaana okuteesaganya nako, naye kaasobola okufuna obujulirwa n'okunnyonnyolwa n'okukawa amagezi nga Buganda bw'esaanira okugattibwa ku Uganda yonna mu by'obufuzi.

Ebibiina by'abantu bingi n'abantu kinnoomu bangi abaava mu Buganda baawa obujulizi mu maaso g'akakiiko ako. Awamu n'ekyo, Ab'akakiiko baafuna ebiwandiko nga 2000 okuva mu zi Gavumenti, mu bibiina ne mu bantu abataali bamu. Mu Buganda baalaba Ssaabasajja Kabaka emirundi egiwerako. Kabaka Muteesa II mu kiseera kino eyali awezezza emyaka ekkkumi n'omwenda ku Bwakabaka era nga yali wakati ddala mu kuteesa n'okussaawo Endagaano ne Konsitityuson ya Buganda eya 1955, ebizibu n'ebigendererwa bya Buganda byonna yali abimanyi bulungi. Yabannyonnyola ebizibu ebyali byolekedde ensi ye n'ekifo kya Kabaka. Ate Baminisita ba Gavumenti ya Kabaka akakiiko kaateesa nabo emirundi mingi. Lord Munster yennyini yasooka n'abalaba mu

December, 1960 n'abakakasa nti tewaali kintu kyonna Buganda ky'ejja kufiirwa mu kunnyonnyola akakiiko ensonga zaayo. Era waaliwo ebirungi bingi bye bayinza okufunamu. Baminisita baamuwa akatabo akaayitibwa ***"Buganda's dependence"***omwali obujulizi bwabwe.

Akatabo kano ke bayita ***"Okwefuga kwa Buganda"*** kaalimu ebiwandiiko bingiko Buganda bye yagendanga efulumya ku nkolagana esaanira okubaawo wakati wa Gavumenti ya Buganda n'Enkuumi. Kaalimu n'ekiwandiiko ky'olukiiko lwa Buganda ekyalangirira nga Buganda bwe yali ekomezza Endagaano zaayo ne Bungereza ku nkomerero ya 1960. Ebiwandiiko ebyasooka mu katabo, biraga Gavumenti ya Buganda bwe yassa ennyo essira ku Buganda bwe yali yettanira ennyo efuga ya federo.

Ab'akakiiko ka Lord Munster baaddamu nti akatabo tekannyonnyola Buganda gy'eriggya nsimbi ezimala okuddukanya emirimu gyayo ng'emaze okwesala ku Uganda sso ng'ensimbi kye kigambo ekikulu ennyo mu kuddukanya Gavumenti. Ate nti tekaayogera ku nkolagana eribaawo mu by'obufuzi n'ebitundu ebirala Buganda ng'emaze okwefuga. Kye baava bategeeza nti mu ngeri yonna Buganda gy'eriba etuuseeko mu by'obufuzi era egenda kwetaaga okukolaganira awamu n'ebitundu ebirala mu mirimu emikulu egiddukanya ensi. Kwe kuwa amagezi Buganda ekkirize okugendera awamu n'ebitundu ebirala naye nga Buganda eweereddwa obukalu obukakasa nti Obwakabaka n'ekifo kya Buganda eky'enjawulo bigenda kukuumibwa obutaggyibwawo.


Ab'Akakiiko ka Lord Munster bo baakkiriza nti Buganda erina ensonga entuufu, ezigitiisa okwegatta n'ebitundu ebirala mu by'obufuzi olw'endagaano zaayo ne Bungereza n'ekifo kyayo eky'enjawulo mu bufuzi bwa Uganda kye yali etuuseeko. Kye baava bagamba n'okugamba mu lipoota yaabwe nti:

***"Buganda okwefuga yokka tekyandikoze bubi nnyo singa ekkiriza okutwala ekifo kyayo ekituufu mu Uganda eyeegasse awamu nga yeefuga".***



## OKULONDA MU MARCH, 1961

Okulonda bwe kwatuuka mu 1961, olukiiko lwa Buganda era lwaddamu okugaana okwetaba mu kulonda okwo naye aba Democratic Party (DP) mu Buganda bo baakkiriza okulonda era ne basobola okutwala abakiise ba Buganda 19 mu Legico nga bakulemberwa Benedicto Kiwanuka. Okwewandiisa mu Buganda kwatandika ku lwa August 22, 1960. Newakubadde ng'olukiiko lwazira okulonda kuno naye aba DP bangiko mu Buganda abeewandiisa okukuba akalulu. Okulonda kwennyini kwaliwo nga March 25, 1961 era abaakuba obululu mu Buganda baawera nga 35,000 okusinga nga ba DP.



***Benedicto Kiwanuka***

Okuvuganya okusinga kwali wakati wa DP ne UPC, ekyali kikulemberwa Milton Obote. Ebifo byonna mu Assembly byali 82, aba DP ne bawangula n'ebifo 19 mu Buganda, 24 ebweru wa Buganda, ebifo byonna 43. Aba UPC baafuna ebifo 35, aba UNC ekifo kimu, abataalina bibiina, ebifo 2. Era waaliwo ekifo kimu ekyasigala ekikalu. Aba DP baafuna obululu 407,000, aba UPC 488,000. Kino kyajja lwa kuba ng'abantu abaabawa obululu mu Buganda, gye baafuna baali batono olw'omuwendo omutono ogw'abaakuba obululu mu Buganda. Okulonda ababaka ba National Assembly ng'olukiiko lumaze okulangirira Buganda obutalonda, kye kimu ku byavaako abantu mu Buganda okukyawa DPnga bagamba nti aba DP Buganda baagiryamu olukwe.

Aba Buganda baali bamaze okugaana okwetaba mu Gavumenti ya Uganda okuggyako nga bamaze okukkirizibwa Gavumenti ya Federo nga kye ky'okulwanyisa kyokka Buganda kye yali esigazzawo. Aba DP baasobola okulonda Abaganda 19 ne babatwala mu National Assembly. Gavana yasanyuka n'omukulu w'Amatwale n'asekera mu kikonde nga bamanyi nti ebya Buganda tebakyabiteesa na Lukiiko. Lwali lubakaluubiridde nnyo. Nga bajjanga kubiteesa n'ababaka ba National A ssembly ne babimala kubanga n'A baganda baalinamu ababaka.Singa

DP yazira okulonda okwo, omufuzi w'Amatwale teyandisobodde kuwalaawala Buganda na kugisindikiiriza mu muvuyo ogw'entegeka z'eby'obufuzi ezaali zitasobola kunyweza mirembe. Abamu ku ba DP abaawangula ebifo mu Buganda be bano:

| | |
|---|---|
| Anselimi Musoke | Omubaka wa S.Mubende ne Gomba |
| Paulo K.Ssemwogerere | Omubaka wa North Mengo |
| Matayo Mugwanya | Omubaka wa South Mengo |
| Alifonsi Ntale | Omubaka wa Kkome |
| Lawrence Ssebalu | Omubaka wa N.E Kyaggwe |
| A.W.K. Mukasa | Omubaka wa N.W Mengo |
| Stanley Bemba | Omubaka wa mu Kibuga |



*Ben Kiwanuka*

Benedicto Kiwanuka yasooka kulondebwa Gavana Sir Crawford nga Minisita atalina kitongole(Minister without portfolio) naye nga ye Mukulembeze wa National Assembly. Awo bombi ne balyoka balonda Gavumenti eneefuga Uganda ng'erimu Baminisita 13: Abaddugavu 9, Abazungu 3, n'omuyindi 1. Abazungu abasatu nga be bokka abaali aba Gavumenti, abalala 10 baalondebwa okuva mu babaka b'abantu. Olukiiko olwayitibwanga "Executive Council" (EXCO) lwe lwafuuka "***Council of Ministers***" Gavana nga ye Ssentebe walwo. Baminisita bonna baali bwe bati:-

| | | |
|---|---|---|
| 1. | G.B. Cartland | Chief Secretary |
| 2. | Christopher Melmoth | Ow'Ebyensimbi |
| 3. | Ralph Dreschfield | Attoney General |
| 4. | John Kiwanuka | Ow'Ebyenjigiriza (Buganda) |
| 5. | Lawrence Ssebalu | Owa Economic Development (Buganda) |
| 6. | David Nabeta | Ow'Eby'obulaamu (Busoga) |
| 7. | Basil Bataringaya | Owa Gavumenti z'Ebitundu(Ankole) |
| 8. | Balamu Mukasa | Ow'Eby'obulimi n'Ebyobulunzi (Bunyoro) |
| 9. | Nicholas Opio | Ow'Ebyemirimu (Lango) |
| 10. | Matayo Mugwanya | Ow'Eby'Ettakan'Amazzi (Buganda) |
| 11. | Stanley Bemba | Owa Development & Labour (Buganda) |
| 12. | C.K. Patel | Ow'Eby'obusuubuzi n'Amakolero (Muyindi) |
| 13. | Benedicto Kiwanuka | Atalina kitongole (Buganda) |



Baminisita baalayizibwa nga April 14, 1961 ne balondayo n'Ababeezi ba Baminisita (Parliamentary Secretaries) bano:

| | | |
|---|---|---|
| 1. | Enoch K. Muliira | Commerce ne Industry (Buganda) |
| 2. | Gaspare Oda | Local Government (Arua) |
| 3. | Boniface Byanyima | Health (Ankole) |
| 4. | Alexander A. Latim | Finance (Acholi) |
| 5. | James S.M Ochola | Agriculture (Bukedi) |
| 6. | Zakaria Babukika | Education (Kigezi) |

Ku lwa July 2, 1961 Benedicto Kiwanuka, lwe yafuulibwa Chief Minister obwa "Chief Secretary" ne buggyibwawo. Mr. G.B. Cartland eyali Chief Secretary n'afuulibwa Deputy Governor, Gavana n'asigala ng'akyavunaanyizibwa ku by'enkolagana wakati wa Gavumenti ya Queen ne Buganda. Bw'atyo Benedicto Kiwanuka Omuganda n'afuuka Katikkiro (Chief Minister n'oluvannyuma Prime minister) wa Uganda yonna omubereberye ate Obote n'abeera nga ye mukulembeze w'oludda oluvuganya Gavumenti. Olukiiko lwa Buganda lwali lumaze okuyisa ekiteeso nti:

***"Buganda tejja kukwatibwangako mateeka ga Gavumenti ya Uganda empya. Era n'olukiiko terujjanga kubaako kye luteesa ne Baminisita ba Uganda abo abaggya abaali balondeddwa".***

Bwe lutyo olukiiko lwali lutuuse mu kkowe lya kujeemera gavumnti Enkuumi era nga lukontana n'ebitundu bya Uganda ebirala. Olukiiko